# Okusiba emikutu egy'obulabe ku mitimbagano kitaasa omwana okukemebwa

Bya EMMANUEL SSEKAGGO


**Omuzadde n'omwana**

MU biseera bino ng'abaana baffe abasinga bangi bali ku mutimbagano, bingi ebiriko bye bagoberera kyokka ng'ebimu ku byo bisobola okubasuula mu bulabe obw'enjawulo.

Obulabe buno buli ku mikutu emigattabantu ate ne ku 'appu' ez'enjawulo eziri ku masimu wamu ne 'ttaabu' ez'enjawulo. Obumu ku bulabe buno busobola okulabwako kyokka ate ekisinga okuba eky'obulabe kwekuba nti, ate basobola n'okufuna obulabe obw'endowooza.

Omukugu mu nkuza y'abaana era ng'agoberera n'ebigenda ku mutimbagano Amina Birungi agamba nti : Abazadde nga tulowooza ku bulabe abaana baffe bwe basobola okufuna ku masimu ne ku mutimbagano, tulina okulowooza ennyo ku bye balaba ne bye bibasindika okukola.

Mu kaweefube w'okukuuma abaana, abazadde abasinga tulowooza nti, ka tubawe amasimu oba ttaabu, babeere awaka nga tebatambudde. Omwana bw'omuwa ttaabu ebiseera ebimu atera okubeera mu kisenge, by'alabira eyo oyinza obutabimanya. Wabula abamu balaba ebintu ebitali bituufu, ne bibayigiriza emize, abamu batandika okwezanyiikiriza ku mibiri gyabwe ne batuuka n'okwematiza. Omwana bwe yeemanyiiza embeera eno, esobola okumuviirako obuzibu n'akyawa n'obufumbo mu biseera eby'oku maaso.



Ann Nassamula.

Mu ngeri y'emu, era omwana bwatalambikibwa oba n'atangirwa emikutu ku mutimbagano ebisobola okumuviirako okukyusa endowooza, asobola okutandika okwenyigira mu mize egy'enjawulo mu maka, n'ayagala okutuusa ku banne obuzibu oba ye okwetuusaako. Kuliko 'appu' eziraga omwana nti, bwe yeetusaako obuzibu ate awo w'afunira emirembe.



Omwana ng'ali ku ssimu.

Embeera eno nayo abazadde mulina okugyegendereza ku mutimbagano n'amasimu kubanga bwe tutagirabuukirira, abaana baffe bajja kutandika okubeera n'embeera etategeerekeka.

## BW'OTANGIRA OMWANA ESSIMU OBUTAMUWABYA

Ekimu ku bye tusobola okutandikirako okukola kwe kuteeka 'paasi waadi' enzibu ku 'appu' ezimu ku masimu, ng'omwana tasobola kugenda ku gimu ku mikutu gino.

Bw'oba tokisobola funayo abakugu mu bya kompyuta bakuyambe okuzisiba.

Abazadde tulina okumanya nti, akaseera ka tekinologiya ke tulimu si kangu naddala ku nkuza y'abaana, kyokka tetulina kuggwaamu maanyi, omulimu gw'okukuza abaana tegukolebwa mulundi gumu, twogere nabo entakera nga tubalambika ate tukikole obutakoowa. Bwe tunaanyiikira abaana baffe bajja kusobola oku-